# Bw'oyamba omwana obutassa byakwerinda byammwe mu matigga

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

NGA fenna tukkaanya nti, abaana baffe beetaaga okuyiga n'okukozesa omutimbagano, tulina okukimanya nti, omwana asobola n'okuteeka obulamu bwe n'obw'abantu abalala baabeera nabo mu maka mu matigga.

Abaana bangi bateeka ebintu eby'enjawulo ku mutimbagano ne ku mikutu emigattabantu be biteeka eby'okwerinda byabwe mu matigga wamu n'eby'abo ababa babaliraanye.

Eyali akulira poliisi n'omuntu waabulijjo ya Kira Road kyokka nga kati akolera mu bitundu by'e Tororo, agamba nti, ASP Tomas Baboineki agamba nti : Kituufu abaana bwe babeera ku mutimbagano, basobola okuteekayo obubaka obuteeka eby'okwerinda byabwe mu bulabe abamu ne bubaviiramu n'okufa.

Ng'oggyeeko bo bennyini, era basobola okuteeka eby'okwerinda




**Omuzadde n'omwana**

by'abato bannaabwe mu matigga oba n'eby'abazadde baabwe oba abantu abalala be bawangaala nabo. Ebimu ku bisobola okutuuka ku mwana era ne biteeka obulamu bwe mu matigga kuliko;

- Abakyamu basobola okumanya w'ali ne bamutuusaako obulabe : Omuntu omukyamu asobola okugenda ku mutimbagano n'afunako ebikwata ku mwana wo era n'atandika n'okwogera naye. Olw'okuba omwana obwongo bwe buba tebunnakula bulungi era nga tebwekengera mu ngeri eyeetaagisa, omukyamu asobola okutandika n'okumubuuza gy'abeera era n'amusaba n'okumusisinkana okukkakkana ng'amutuusizzaako obulabe omuli okumusobyako, okumuwamba oluusi n'okumutta.
- Okuwaayo ebikwata ku bato banne : Era omuntu omubi bw'alimbalimba omwana, asobola okumubuuza omuwendo gw'abaana banne b'abeera nabo, gye basomera n'entambula gye batambulamu. Singa emboozi eyo omuzadde togigwaamu nga ggwe wakoma ku kimu kya kumugulira ssimu, asobola okugwa mu buzibu obuleetera omwana n'omuzadde mu maziga.
- Okuteeka ebyokwerinda by'amaka mu matigga : Omwana asobola okukozesa essimu, n'awaayo byonna ebikwata ku bazadde be, gye bakolera n'obudde bwe badda awaka, kino omuntu okugeza; omubbi, asobola bulungi okubikozesa okukkakkana ng'akubbye. Kyokka n'abamenyi b'amateeka abalala omuli; abatemu nabo basobola okubayingirira.
- Basobola okumukozesa ne babba ssente : Abafere ba ssente ensangi zino bafera n'abantu abakulu, kati bwe kituuka ku mwana basobola okumenya mu jjenje ekkalu. Tugeze singa omwana ggwe omuzadde oba okola bizinensi nga eya 'mobayiro mmane' wandyekanga ng'omufere amulimbyerimbye n'awaayo ne ssente zo eza bizinensi.

### ENGERI Y'OKWEWALA OMWANA OKUTEEKA EBY'OKWERINDA BYAMMWE MU MATIGGA

Okusobola okumalawo ekizibu kino, ggwe omuzadde fuula omwana wo mukwano gwo, nga talina kukola kusalawo kwonna kw'akola nga takutegeezezzaako. Mutegeeze nti, talina kubuulira



ASP Tomas Baboineki

muntu yenna bimukwatako oba ebikwata ku bazadde be.

Omwana mubuulire nti, talina kwesiga muntu yenna atali muzadde we, ensangi zino mulage nti, omuntu ne bw'aba mukwano gw'awaka tebalina kumwemaliza kubanga abamu ku bo nabo baafuuka ba bulabe eri abaana.

Nga bino byonna obikola, teweerabira kwetegerezanga ssimu ya mwana wo okulaba engeri gy'azikozesaamu kumpi buli lunaku.